# OKUTUUZA ABADIIKONI

Era, nga, ekisooka kwe kubaako be tutuuza okuba abadiikoni mu kkanisa. Kati ekkanisa yaffe entono wano yeetongodde. Terina kibiina kya ddiini kyonna wadde ekintu kyonna ekigisindikira abadiikoni baayo, ye yeerondera abadiikoni baayo. Ye yeerondera omusumba waayo, ye yeerondera abayima baayo, y'eronda buli muntu mu kkanisa okubaako wofiisi mw'aweereza oba okugimuggyamu. Tewali muntu omu bw'ati alina buyinza ku kintu kyonna, obuyinza buli eri kkanisa yonna awamu. Era ekkanisa beebo abajja ne bawagira ekkanisa n'okubeerawo kwabwe, n'ekimu eky'ekkumi kyabwe n'ebiweebwayo, bulijjo be bakkirizibwa mu mateeka okulonda ab'okukola mu wofiisi ezo.

2 Era njagala okwebaza akakiiko k'abadiikoni akabadde kaweereza, era nkyogera nga nsinziira wano ku lw'ekkanisa yonna. Ab'oluganda abo bwe baba weebali wano, nga abo y'Ow'oluganda Cox, Ow'oluganda Fleeman, n'Ow'oluganda Higginbotham n'Ow'oluganda Deitzman, batuweerezza bulungi, baweerezza bulungi Mukama, mu kkuŋŋaaniro lino.

3 Era buli luvannyuma lwa kiseera, okusinziira ku mateeka g'ekkanisa eno kw'etambulira, buli mwaka, ekiseera ky'abadiikoni oba abayima kye babeera baalondebwa okuweereza kiggwaako. Kati bwe baba baagala okudda, kirungi. Bwe baba tebaagala kudda, wasobola okubaawo abalala abalondebwa okudda mu bifo byabwe, nga akakiiko ka bano ababadde baweereza kamazeeko ekisanja kyako.

4 Era ekiro kya luli nnayita akakiiko k'abayima, nga kati waliwo akakiiko k'abayima akapya. Ndaba Ow'oluganda Luther McDowell waali wano akawungeezi ka leero, tuli basanyufu okumulaba nga waali, y'omu ku babadde ku kakiiko k'abayima akabadde kaweereza. Wiiki eno nagenze okukebera wamu n'okulaba bwe tuyinza okufunayo kkopi eyokeseddwaamu, era, enaayanjulwa eri ekkanisa. Eraga nti kaakano abayima b'ekkanisa eno ye Ow'oluganda William Morgan, Ow'oluganda Mike Egan, n'Ow'oluganda Banks Wood, n'Ow'oluganda Roy Roberson. Era bonna babeera mu kibuga kino, okuggyako Ow'oluganda Roberson abeera wakati w'ebibuga bino byombi. Mukama yalaba nga abasajja abo basaanidde, era babadde basajja abassibwamu ekitiibwa, era kati bafunye obuvunaanyizibwa obw'okubeera abayima b'ekkanisa eno.

5 Era olukiiko luno bwe lwali lugenda mu maaso, omumyuka w'omusumba yatutegeeza, nti twetaaga okulonda akakiiko k'abadiikoni akapya, nti ekiseera kya bano ababaddewo

eky'okuweereza kyaggwaako era ne—ne bawummula, era olukiiko olwo lwalina okulonda abadiikoni abalala. Kati, ekkanisa. . .Kino engeri gye kikolebwamu, eri nti, akakiiko kasobola okulonda abadiikoni, abasajja be bakolaganye nabo ne babazuula okuba nti basajja abassibwamu ekitiibwa era abataliiko kya kunenyezebwa.

6 Wofiisi y'omudiikoni wofiisi nkulu nnyo, era kitiibwa kya maanyi nnyo eri Mukama okubeera omudiikoni mu kkanisa. Kale kati, bwe twali mu lukiiko ekiro kya luli, waliwo omusajja omu gwe bantegeeza. Era bwe nnasisinkana n'omusumba, olwaddako. . .ku Lwokutaano luno oluwedde, ekintu omusajja ono kye yakkaanya nakyo nti ddala bano basajja abassibwaamu ekitiibwa era abataliiko kya kunenyezebwa.

7 Naye waliwo omuvubuka omu gwe baali bazudde, ataalina bulungi bisaanyizo (si lwakuba nti si ye yali omuntu omutuufu), yali asembeddwa omu ku basajja abassibwamu ekitiibwa ab'akakiiko kaffe ak'abayima. Naye nze n'omusumba bwe twasisinkana, ne mbuuza emyaka omuvubuka gy'alina, nga ali mu myaka abiri awo n'egisobamu emitonotono. Nga musajja assibwamu ekitiibwa, ataliiko kya kunenyezebwa, era musajja mwesigwa, naye tugenda okukizuula nga si mufumbo. Bayibuli eragira omudiikoni okuba omusajja omufumbo. Ateekwa okuba nga musajja wa mukyala omu.

8 Ne wabaawo n'omusajja omulala eyali omusajja assibwamu ennyo ekitiibwa, ng'alina bulungi ebisaanyizo byonna ebyetaagisa ku lw'omulimu ogwo era nga yandibadde musajja omwesigwa, ng'ow'oluganda omu bwe yamusemba okuba omudiikoni. Naye oluvannyuma lw'okunoonyereza ku nsonga ye, tugenda okukizuula nga ow'oluganda kyajje ayingire mu Kukkiriza kuno, nga ne mukyala we takukkiririzaamu. Era ebyo omusajja oyo ne bimuwandula mu kubeera mu wofiisi eyo. Kubanga ateekwa okuba nga ab'ennyumba ye bonna bamugondera, era bateekwa okuba mu Kukkiriza, kubanga bwe kitaba bwe kityo waba wajja kubaawo okukuubagana.

9 Era kati tuzimba, era twagala tulambike ekkanisa eno nga bw'erina okutambuzibwa. Era nga omulabirizi omukulu ow'ekkanisa eno, kinkakatako okulaba nti ekuumibwa, nga etambulira mu Byawandiikibwa, nga buli kimu kiri nga Ekigambo bwe kigamba.

10 Kale n'olwekyo, oluvannyuma lw'ebyo, akakiiko awamu n'omusumba, n'omulabirizi, bakizudde nga kigwanidde, okweroboza okuva mu kibinja ky'abantu bano wano abasajja be tulowooza okuba nti basajja abassibwamu ekitiibwa era abataliiko kya kunenyezebwa. Ffe tusobola kubabanjulira bwanjulizi. Ekyo, bwe tukimala, ne balondebwa ekkanisa, okuyita mu kubakubako akalulu nga bo. Era abasajja bano bajja kuweereza, bwe banaawulira nti bakkiriza wofiisi eno.

Kale bajja kujja baweereze okumala akaseera akatonotono, balabe oba nga bawulira nti ob'olyawo Katonda abayise. Era oluvannyuma, bwe banaawulira nga tebasaana, bajja kuba, ba ddembe mu wiiki entonotono ezinaddako okulekulira wofiisi, wabeewo omuntu omulala alondebwa mu kifo kyabwe.

11 Naye, ku ntandikwa y'enkuŋŋaana z'okudda obuggya ezo (Katonda nga ayagadde) ze njagala okubeera nazo wano mu kkuŋŋaaniro lino amangu ddala nga mmaze okuwummulamukko, nja—nja . . . abadiikoni bano tujja kubatongoza nga tubassaako emikono, abadiikoni wamu n'omuwanika ab'omu kkanisa eno. Naye okusooka balina okulondebwa ba—balabe bwe baagala obuvunaanyizibwa obwo n'ekibiina bwe kibaagala. Enjuyi zombi bwe—bwe zinaaba tezikirinaako buzibu, olwo nga abasajja bano tubafuula abadiikoni abatongozeddwa, era nga n'Abayima bwe balondebwa mu ngeri y'emu.

12 Okwo kwe kwetongola awamu n'amateeka ekkanisa kw'etambulira, okusinziira ku Kigambo kya Katonda. N'olwekyo, ku nsonga eyo, tebasobola kusalawo nga bo ne bagamba nti "Ndowooza omusajja ono y'anaabeera omuntu omutuufu," si bwe kiba, "Ow'oluganda Neville alowooza nti omusajja ono y'anaabeera omuntu omutuufu," oba "akakiiko k'abayima kalowooza nti omusajja ono y'anaabeera omuntu omutuufu." Kirina kukolebwa kkanisa! Wano tewali muntu yenna akola kintu ku bubwe nga ye. Kisalibwaawo kkanisa eno. Eno kkanisa eyeetongodde.

13 Amateeka gali amakadde gaasaanyizibwawo mu mataba agaaliwo mu 1937. Amateeka ago twagakoppolodde, era gajja kuwanikibwa wano ku kisenge mu bbanga eritali lya wala, obuvunaanyizibwa bw'abayima, abadiikoni, abawanika, n'abalala, omusumba, abamuyambako, n'abalala.

14 Olw'ekisa kya Katonda, ntegeezeddwa, wamu n'obululu kikumi ku kikumi okuva eri akakiiko k'ekkanisa eno, nti baakizudde nga Ow'oluganda Hollin Hickerson musajja ataliiko kya kunenyezebwa, era assibwamu ekitiibwa, era agwanidde ekifo kino okufuna e—ekitiibwa ekinene eky'okubeera omudiikoni w'ekkuŋŋaaniro lino eryogeddwaako.

15 N'era, twakizudde, era okusinziira ku kalulu k'akakiiko, nti Ow'oluganda Collins naye azuuliddwa nga musajja assibwamu ekitiibwa era ataliiko kya kunenyezebwa. Nga bw'asangiddwa nga muweereza, ye kennyini, kaakano tumusaba ajje abeere o—omudiikoni w'ekkanisa; era si kubeera mudiikoni kyokka, naye ayambeko ne ku W'oluganda Neville, era ob'olyawo n'ekibiina kya Ssande sukuulu, oba okuyimirira mu kifo ky'Ow'oluganda Neville, oba kyonna obuvunaanyizibwa bwe kye bunaabeera nga ayamba ku W'oluganda Neville. Oyo ye Ow'oluganda Collins.

16 Nate, era, ekkanisa esiimye, n'ekizuula nti, Ow'oluganda Tony Zabel, musajja assibwamu ekitiibwa era ataliiko kya kunenyezebwa, era alabye okuganja mu maaso g'akakiiko k'abayima wamu n'abasumba, okumusaba akkirize wofiisi y'omudiikoni mu kkuŋŋaaniro lino eryogeddwaako.

17 Era waliwo n'abalala abasabiddwa, era abasangiddwa okuba abasajja abassibwamu ekitiibwa mu makkati gaffe... (Si...kati tekitegeeza nti bano bokka be basajja abassibwamu ekitiibwa, naye beebo abaalondeddwa akakiiko.) Ow'oluganda Taylor okuva e Henryville, manyanga e Memphis, nzikiriza gy'ava, Memphis, Indiana. Abadde naffe okumala ekiseera ekiwerako, ng'akola nga omukebezi na wonna awali omulimu ogwetaagisa okukola. Nti ekkanisa emusiimye, manyanga akakiiko wamu n'abasumba bamusiimye, ne bamusaba akkirize wo—wofiisi ennene ng'omudiikoni w'ekkuŋŋaaniro lino eryogeddwaako.

18 Nate era kisabiddwa nti mukoddomi w'Ow'oluganda Mike Egan, Ow'oluganda—Ow'oluganda Bob Harned, alondeddwa akakiiko wamu n'abasumba, okukkiriza wofiisi ng'omuwanika w'ekkuŋŋaaniro lino eryogeddwaako, omulimu ogw'ekitiibwa, era ogwetaaga obwenkanya n'ekitiibwa.

19 Mu kukola kino, baganda bange, nga nsoma amannya gammwe okuva wano, ndowooza nti, kinaaba kya kitiibwa kya maanyi nnyo gye muli. Ate si ekyo kyokka, wabula era omulimu ogw'okukola.

20 Mu kaseera kano ŋŋenda kusaba Ow'oluganda Neville, omu ku basumba baffe, asome ebisaanyizo by'omudiikoni. Ow'oluganda Neville, nkusaba obisome okuva mu Kigambo kya Katonda. [Ow'oluganda Neville asoma Timoseewo Ekisooka 3:8-13—Omuk.]

> [*Bwe batyo n'abadiikoni kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, si bannimibbirye, abatanywanga mwenge mungi, si beegombi ba bintu;*]
>
> [*Nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi.*]
>
> [*Era nate abo basookenga okukemebwa; balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebwa.*]
>
> [*Bwe batyo n'abakazi baabwe kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawaayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna.*]
>
> [*Abaweereza babeerenga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe bo.*]
>
> [*Kubanga abamala okuweereza obulungi beefunira obukulu obulungi n'obugumu bungi mu kukkiriza okuli mu Kristo Yesu.*]

21 Amiina. Kati mu kaseera kano nsaba ab'oluganda bano abasomeddwa, batambule bajje mu maaso wano ku katuuti okumala akaseera katono. Era nga bwe tukoteka emitwe gyaffe okumala akaseera tusabe, njagala ba. . . Kati kino njagala ekkanisa etegeere bulungi kye kitegeeza, nti wano mulonda akakiiko kammwe ak'abadiikoni wamu n'omuwanika wammwe.

22 Ayi Mukama waffe Yesu, tujja gy'Oli kaakano, n'endowooza enzigufu era ey'okutya Katonda. Tujja nga tussaamu ekitiibwa Ekigambo Kyo Ekitukuvu Ennyo, tujja nga tukkiriza nti "Leka Ekigambo kya buli muntu kibeere ekikyamu, naye ekya Katonda kibeere kya mazima." Era tukwebaza olw'Ekkanisa eno Yesu gye yagula n'Omusaayi Gwe ogw'omuwendo, n'atuwa n'ekizimbe kino mwe tusobola okusinziza.

23 Era ng'abalabirizi b'ekisibo kino ekinene, Omwoyo Omutukuvu kye yatwawulira okubeera abalabirizi baakyo, tugezaako kaakano okwanjulira ekibiina ky'abakkiriza kino ekibinja ky'abasajja abeesigwa, abatuukirivu be tukkiriza okuba nti bajjuzibwa-Omwoyo era beetegefu okuyingira mu wofiisi eno. Nga lumu bwe kyayogerwa ku kakiiko k'abadiikoni nti, "Mugende mulonde mu mmwe, abasajja abasiimibwa era abalina Omwoyo Omutukuvu, baweereze mu mulimu guno, okulabirira bannamwandu ne bamulekwa, okugabanya ssente, n'okulabirira ebyetaago by'ekkanisa." Oluvannyuma lw'emyaka, twakamala okusoma ebiwandiiko by'omutukuvu oyo ow'ekitalo, eyaluŋŋamizibwa, Pawulo, alambika Ebyawandiikibwa kye bigamba ku bisaanyizo by'ebifo ebyo.

24 Ayi Katonda, tongoza abasajja bano n'ekitiibwa. Era kaakano kuno kwe kulondawo, ayi Mukama, ng'ekkanisa eyeetongodde, ng'omubiri gwa Mukama waffe Yesu, beeronderewo. Era. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . era aluŋŋamye ekitundu kino eky'olukuŋŋaana mu ngeri ey'enjawulo, mu Linnya eryo ettuukirivu era ettukuvu erya Yesu.

25 Kati nga tukotese emitwe gyaffe, si mitwe gyaffe gyokka wabula n'emitima gyaffe, era nga buli mmemba w'ekkanisa eno, ajja wano bulijjo era agiwagira n'ekimu eky'ekkumi kyo n'ebiweebwayo, nga oyo ye muntu atwalibwa okuba mmemba w'ekkanisa eno, nga nze wamu n'omusumba, ffekka, ffe tutunula, omusumba bwe tuweereza awamu, Ow'oluganda Neville, nange nga tutunula, mbuuza ekkanisa eno obanga ekkiriza nti Ow'oluganda Taylor musajja ataliiko kya kunenyezebwa era alina ebisaanyizo, okusinziira ku ndowooza yammwe esingayo okuba ennungi, okubeera omudiikoni eri ekibinja ky'abantu bano? Ekyo mujja kukyoleka nga buli omu ayimusa omukono gwe. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu—Omuk.] Kale. Kati bwe wabaawo omuntu yenna akontana n'ekyo, yimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu.] Mwebale.

26 Waliwo omu ku bammemba b'ekkanisa eno wano yenna akkiriza. . .era mwenna, mukkiriza nti Ow'oluganda Hollin Hickerson musajja ataliiko kya kunenyezebwa era assibwamu ekitiibwa, era omusajja asangiddwa ng'asaanidde mu maaso gammwe okufuuka omudiikoni w'ekkanisa eno eyogeddwaako? Osobola okukyoleka nga oyimusa omukono gwo ogwa ddyo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu—Omuk.] Bwe wabaawo akontana n'ekyo, yimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu.]

27 Ekibiina kino kikkiriza nti n'Ow'oluganda Collins naye bw'atyo bw'ali, nti musajja omutuukirivu era assibwamu ekitiibwa, era asaanira omulimu gw'okubeera omudiikoni w'ekkanisa eno? Osobola okuyimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu—Omuk.] Kale. Bwe wabaawo akontana n'ekyo, osobola okuyimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu.]

28 Ekibiina kino kikkiriza nti Ow'oluganda Tony Zabel musajja assibwamu ekitiibwa era asaanira wofiisi eno, ey'okubeera omudiikoni w'ekisibo kino mu kkanisa eno eyogeddwaako? Osobola okuyimusa omukono gwo ogwa ddyo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu—Omuk.] Bwe wabaawo akontana n'ekyo, osobola okuyimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu.]

29 Ekibiina kino kiwulira nti Ow'oluganda Harned musajja ataliiko kya kunenyezebwa era omutuukirivu, abadde naffe okumala ekiseera ekiwera, okubeera omuwanika, omuwandiisi era omuwanika w'ekkanisa eno, okuba nga y'avunaanyizibwa ku by'ensimbi byayo n'okusasula ebisale byayo? Bw'oba bw'otyo bw'owulira, yimusa omukono gwo ogwa ddyo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu—Omuk.] Waliyo omuntu yenna atakkiriziganya n'ekyo, yimusa omukono gwo. [Ow'oluganda Branham asiriikiriramu.]

30 Njagala okutegeeza a—ab'oluganda abayimiridde mu kaseera kano, wansi w'omusaalaba guno, nti ekkanisa eno, n'obululu kikumi ku kikumi (nga tewali muntu yenna akontana na kusalawo okwo), mwenna ebakkiriza okuba nti musaanidde mu maaso ga Katonda okukola omulimu guno Katonda gw'abayitidde.

31 Kaakati, mmwe, nga bwe kigambye nti, "Bano basookenga bagezesebwe, balabe oba nga wofiisi eno bagyagala." Mu wiiki ntono, Katonda nga ayagadde, nja kukomawo okuteeka emikono ku kibinja ky'abasajja bano, okubafuula mu butongole abayi-. . .manyanga abadiikoni b'ekkanisa eno, wamu n'omuwanika.

Leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera:

32 Ayi Mukama, tuli basanyufu akawungeezi kano okuba nti ku nsi kuno kukyaliko abasajja abasobola okutambulira

mu bulamu obw'okutya Katonda mu maaso g'ensi; ne batambulira ddala mu bulamu obw'okutya Katonda okutuusa nti n'ekkuŋŋaaniro, eririna amateeka amakakali nga lino ge lirina, lisobola okulonda abasajja bataano okubaako ebifo mwe baweereza ng'abakulembeze baabwe, awatali kalulu ka muntu yenna akontana na kusalawo okwo. Tuli basanyufu ku lwabwe, era tuwulira nti Obadde wamu naffe mu kukola okusalawo kuno, akakiiko wamu naffe abasumba.

33 Ayi Katonda, wa omukisa abasajja bano. Era leka baweereze mu wofiisi eno n'emitima gyabwe gyonna, nga bamanyi nti beefunira obukulu obulungi mu Ggulu. Lumu Ebitabo by'Eggulu bwe biribikkibwa, leka Ekitabo ky'abantu ab'omu ggulu era mu Kitabo ekikulu eky'Eggulu kibikkulwe, amannya gaabwe gabeere kikumi ku kikumi mu maaso ga Katonda n'Omulokozi n'eggye lyonna ery'omu Ggulu, okubeera ekintu kye kimu mu Bwakabaka Bwe. Bawe omukisa, ayi Mukama, era leka baweereze bulungi mu woofiisi eno. Mu Linnya lya Yesu tubakwebaliza. Amiina.

34 Njagala kubakwatako mu ngalo, Ow'oluganda Harned, n'Ow'oluganda Zabel, n'Ow'oluganda Collins, Ow'oluganda Hickerson, n'Ow'oluganda Taylor. Tuli basanyufu nnyo okukimanya nti ebbanga lino lyonna tubaddenga tussa kimu n'abasajja abassibwamu ekitiibwa bwe bati. Kati Katonda abawe omukisa. Era tujja kubalaba mu kiseera ekitali kya wala, amangu ddala nga mpummuddemukko, okukomawo, okulaba bwe mwagala wofiisi yammwe. Kirungi, okusinziira ku bululu bwe bafunye, ndowooza bwonna bubadde kikumi ku kikumi, tewabaddeewo n'omu atakkiriziganya na kusalawo okwo.

35 O, temuli basanyufu okuba nti mussa kimu n'abantu leero abasobola okutambulira mu maaso ga Katonda, mu bulamu obw'okutya Katonda, ne batambulira mu mbeera bw'etyo mu maaso g'ensi eno ey'akakyo kano? Kintu kirungi nnyo.

36 Era ndi musanyufu nnyo okukimanya akawungeezi kano nti ndi wa mukisa o—okubeera n'abasajja bano wamu n'ekkanisa eno nga mikwano gyange. Ndi musanyufu nnyo okuba nti Katonda yanzikiriza okukolagana n'Ekkanisa Ye yonna mu nsi yonna. Weewaawo, banyoomebwa ne bagaanibwa ne boogerwako, era nga bwe nnagambye ku makya ga leero mu bubaka bwange, ob'olyawo babalaba nga basambi ba kadongo, okusinziira ku ngeri ensi gy'ebatunuuliramu, ebalaba nga "ekibinja ky'abazoole," naye Katonda abatunuulira nga baana Be. Ndi musanyufu nnyo olw'ekyo. Bayinza obutasobola kukubuulira mayiro mmeka eziriwo okutuuka ku mwezi. Bayinza obutasobola kukunnyonnyola byonna ebikwata ku nsengeka y'ebyaka mu bwengula n'engeri gy'ekolamu. Naye waliwo ekintu kimu kye bamanyi, bamanyi essaawa mwe baazaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ndi musanyufu nnyo ku lwabwe.

37 Era nga akagero akatonotono mwe nnaggya eky'okuyiga, era akawungeezi kano ŋŋenda kukeesigamya ku bawala bange abato ababiri tusobole okukategeera obulungi, tusobole okukafuna mu bwannamaddala bwako, mutegeere amakulu agakalimu. Lumu ku makya, nnagolokoka okuva mu kitanda . . . Nnina abawala abato babiri. Omu ku bo ye Rebekah, ate omulala ye Sarah, era bawala ba taata b'ayagala ennyo.

38 Era nnina n'omulenzi omuto, Joseph. Nnali nva Chattanooga, mu lukuŋŋaana lumu ekiro, lwe nnaliyo mu nkuŋŋaana zino ezaasembyeyo. Era nnali mu—mu mmotoka, wamu ne mutabani wange omukulu, Billy. Mukyala we ne Meda nabo baali mu mmotoka, n'abawala. Era bwe twali tugenda, tewali n'omu yali y'abadde okubaako ne ky'ayogera okumala akabanga akawerako. Era nnali nkaayuukidde nnyo abantu ekiro ekyo ku ngeri gye baali beeyisaamu. Kale tewali n'omu yali y'ayogedde kintu kyonna. Omuto Joseph kye yava asembera wendi n'ankwata ku kibegabega, n'aŋŋamba nti, "Taata, amazima gali nti ekiro kya leero obuulidde!"

39 Kati ne ku makya ga leero, bwe nnabadde ŋŋenda ku luguudo lwa Eighth ne Tenth Street, e . . . manya, ntegeeza Penn ne Tenth, tewaabadde n'omu ayogera kintu kyonna, ku mukyala wange ne bawala bange ababiri. Omuto Joseph kye yavudde addamu n'ankwata ku kibegabega, n'aŋŋamba nti, "Taata, ekyo, okubuulira okwo ddala kwannyumidde nnyo enkya ya leero," bwe yagambye.

Ne ŋŋamba nti, "Kale, waakiri nninayo omuwagizi omu, ye mutabani wange."

40 Kaakati ku kagero kaffe. Lumu nnazuukuka ku makya ne ntuula mu ddiiro, omuto Becky n'ava gye yali n'ajja ng'adduka, bw'atyo, n'anneerippa ku kugulu n'anneetoolooza omukono gwe, ate ye muwala wa taata gw'ayagala ennyo. Era yali ampambaatira nga bw'angwa mu kifuba. Omuto Sarah naye n'ayanguwa n'ava ku kitanda nga ayambadde obugoye bwe obusulwamu, bw'atyo, naye n'ajja ng'adduka. Y'alina amaaso ag'emmunye eza kitaka.

41 Omuto Becky kye yava amugamba nti, "Bambi, Sarah, teweetaaga kujja, kubanga Taata mulina yenna wange. Taata wange yenna!" Bambi omuto Sarah, n'alemwa okubuniza otumwa twe n'awotookerera, n'azibiriza obuuso bwe obw'emmunye eza kitaka. Ne mmuwenyaako *bwenti* ne ngolola evviivi lyange eddala, n'ajja n'alyerippako.

42 Becky alina amagulu amawanvu, kale gaali gatuuka wansi. Amagulu ga Sarah gaali tegatuuka wansi bulungi nga gakunukkira, kye nnava nkwata Sarah n'emikono gyange gyombi. Omuto Sarah kye yava atunuulira Becky n'amugamba nti, "Becky, wandiba nga Taata yenna ggwe omulina, naye nze Taata y'annina nzenna!"

43 Era ndowooza ne wano bwe kityo bwe kiri. Twandiba nga tetumanyi njigiriza za bya ddiini zonna n'ebigambo eby'ekitalo eby'Oluyonaani, ekibinja ky'abantu kino bandiba nga tebabimanyi. Naye waliwo ekintu kimu ekikakafu, nzikiriza nti Yesu atulina *ffenna*. Amiina.

Kale, Ow'oluganda Neville.

58-0720E Okutuuza Abadiikoni
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2025 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.


Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:


VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org